Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!

Posted by ssewa - 2008/05/17 21:56

Ha naye banyinaze mwayitawo mukweraga.....

Tuba tuggubagguba twolekede erya Ssebaana,mubukowu obungi....tuguse e Nairobi...newesowola ka Lucia ne kawulugumya esimu...

"banange ekyenyanja kyange mwakiguze? Kansubire mukifumbisiza muzigo..nze nabagambye temukisika..mwakula mutya mwe...nze sijakubawa birabo byamwe...nze sogera kintu ate mwe ne mukola byamwe..ye ba nauganda mwaba ki?"

Ngenda okuwulira nga emboozi empitirideko ,kwekugezako okuziba amatu naye nga wa....kyenava ntunulako ebali ndabe oba waliwo omulala awulira oluganda..naye nga ntya..ndowooza oba nze gwebasubira okuba nga njogera..nembivako....ndowoza no nti embozi ewede sono wa!!!!

"Nze ndi Nairobi era nja kutuuka kukisaawe musawa biri..ate nze temweyambaza nga abava mukyalo nga munkimye,munabeko bulungi ate atamanyi kukuba kaluulu taja....Ehh fetwayitawo bili wembera nsobola okukuba esimu mulowoza tukozesa seletelo????Jaaja mwamugambye nti nzigya,ate senga Namulema,enyumba yo mwagisize langi empya? Neihgbour mw.Mutyaba yakitegedeko..nze abantu mubagambe baje bambuuzeko..nze sigenda kutambula mu miririano oba tebasobola kuja"

nze awo we nagwiramu ekidumusi ekye nsonga nengendako mukabuyonjo paka enyonyi lweyambula.....

Nye kyankola bubi sasobola kumanya bingi bikwata ku mwana muwala ono..naye wakikola era obewo....

balikulabisa nga okute ku sente..okubeera ebulaya ..olaba kikwogeza ebyo byona...katulinde tulabe....

bwoba wetegede akayimba ako kakunyumire..

(http://www.youtube.com/watch?v=kQQsGggDEi4)

Twegweko...

paulo ezra

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!

Posted by JeenaJulia - 2008/05/18 09:43

Naye mukulu Ssewa nawe no wakuza mpaka,balikutuma e Mbarara nogenda mu e Mbalala.Ko gwe nti muwala wa kinyozi kamulangile ate mujukize nti bwaba yetegedde muweleza nakayimba.Mhhhh kakazi katu.Egyo gyebayita emishow gya kozibuleee.:silly:

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!

Posted by Meli - 2008/05/18 10:41

Naye bannange heading eyo nnamu eyo, ssi yabusegusegu bweetyo bweetyo? Nze ngyekanze. Nga ekyo kiri awo nange bemmanyi bangi abalowooza mbu "balinnya ebbaati" batuuka mu ggulu. Ate naawe obasanga ali naabo ebweeru, eyabasooka nayo, nebakwefulirako nti oluganda baalwerabira. Waliwo nze neggwennamanya eyagenda e Nairobi namala yo week nadda eka mu nga luzungu lwokka lwayogera nga oluganda alwerabidde. Kale nze namugamba agende alabe omusawo, kubanga okwelabira bwekutyo kubeerako ensonga etegenda butuufu ku wiring waggulu awo. Naye ate erudda nga munno omutegeera okwagala ko naye okugalya, ggwe ate mukadde, ani atabeerako ku mulembe?

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!

Posted by tonto - 2008/05/18 19:03

Omuntu okwerabira olulimi lwe mu week emu, aba amenye record. Asaana kugenda mu Guinness Book of Records.

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!

Posted by kyakweera - 2008/05/18 20:47

Mukulu sewa nkulamusiza sebo, leero bukya nga onyumya kinon nange kinkute omubabiro! anti lumu nange kyantukako mwaana muwala ono namusanga Denmark (Copenhagen) wabula kwolwo nange kyampirirako! Anti nga ye takyamanyi Luganda mbu ayogera lu denish lwoka, atenga ne Pass yali atambuza ya Danmark.Tugenda okutuuka entebe fena line twasimba emu ye yali emabega wafe nankonako nandage ffe abalina Pass za Uganda side jetusimbako samudamu kuba wano kyampitirirako nnyo!! naye bwenajayo pass yange nga ntuse ku desk awo nekimubukako kuba ye yali amanyi nti yekka yalina pass ya Europ. Enamusa yatuka ku nyooge bwetwafuluma wabweru natandika okulamuza special anti yali talinawo bamunonyeko ate nga sente alabika ngayali azikwatirira. Namulaga omuntu nga bwalina okweyisa nga osanze muno bwemufanana nadala eno kumawanga. Twamutwalako paka e kampala mbu yali agenda Bweyogerere yayagala twongere okumeetinga naye nze satawana kuba yali amaze okundaga kyali. Nange olwo siri lwerabira!!!

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!

Posted by xaza - 2008/05/19 11:15

Bannange temutukuba obuwale bwa kinyozi - manya buwala ya kinyozi. i mean buwala bwa kinyozi.

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!

Posted by JeenaJulia - 2008/05/22 12:38

---

xaza wrote:

Bannange temutukuba obuwale bwa kinyozi - manya buwala ya kinyozi. i mean buwala bwa kinyozi.

Xaza kati wanno wewaze kukuba ki? Obuwale bwa buwala za buwala bwa Kinyozi nanti ki buwala za buwale bwa buwala bwa kinyozi?:dry: :dry: :cheer:

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!
Posted by xaza - 2008/05/23 10:44

JeenaJulia wrote:

xaza wrote:

Bannange temutukuba obuwale bwa kinyozi - manya buwala ya kinyozi. i mean buwala bwa kinyozi.

Xaza kati wanno wewaze kukuba ki? Obuwale bwa buwala za buwala bwa Kinyozi nanti ki buwala za buwale bwa buwala bwa kinyozi?:dry: :dry: :cheer:

Aaaha, mwana muwala, Jeena olina bigambo...

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!
Posted by JeenaJulia - 2008/05/23 11:34

---

xaza wrote:

JeenaJulia wrote:

xaza wrote:

Bannange temutukuba obuwale bwa kinyozi - manya buwala ya kinyozi. i mean buwala bwa kinyozi.

Xaza kati wanno wewaze kukuba ki? Obuwale bwa buwala za buwala bwa Kinyozi nanti ki buwala za buwale bwa buwala bwa kinyozi?:dry: :dry: :cheer:

Aaaha, mwana muwala, Jeena olina bigambo. Oli kaggwa ensonyi ng'azaala emisana. Oyinza otya okujjamu obuwale notulaga buwala emisana ttuku!!! Mbu ng'otulaga kinyoozi bwakumwedde kawerette!!!

Xaza kunno bwekuba kuwaba ate gwe oyisewo wewandikomye.:angry: Just like that game when "BULLS-HIT".But all the same webale kutesa munaffe.

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!
Posted by xaza - 2008/05/23 12:39

JeenaJulia wrote:

xaza wrote:

JeenaJulia wrote:

xaza wrote:

Bannange temutukuba obuwale bwa kinyozi - manya buwala ya kinyozi. i mean buwala bwa kinyozi.

Xaza kati wanno wewaze kukuba ki? Obuwale bwa buwala za buwala bwa Kinyozi nanti ki buwala za buwale bwa buwala bwa kinyozi?:dry: :dry: :cheer:

Aaaha, mwana muwala, Jeena olina bigambo...

Xaza kunno bwekuba kuwaba ate gwe oyisewo wewandikomye.:angry: Just like that game when "BULLS-HIT".But all the same webale kutesa munaffe.

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!
Posted by Meli - 2008/05/23 14:11

Sewa wetegereze omulamwa gwo kubanga gukkiridde nnyo mu mbugo. Abakiise bali mu buzibu, kubanga ebigambo ebitali bya mukolo gwa kwalula babiri biweddeyo. Jangu otaase.

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!
Posted by omumbejja - 2008/05/23 19:06

Eeeeeeeeeeeeeeeeeeeeeeeeeeeeeeeee no comment

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!
Posted by JeenaJulia - 2008/05/24 09:54

Xaza bambi,u didnt have to...cause I had already quoted u naye ebyo bibaawo, tusongembele.

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!
Posted by JeenaJulia - 2008/07/04 08:07

Mulamu alozezza ku sukaali wange n’amutenda obuka

BBA wa mukulu wange oluvannyuma lw’okundabirira anteze akamasu era okukkakkana ng’alozezza ku sukaali wange.

Ndi muyizi mu limu ku matendekero aga waggulu mu ggwanga. Bwe nnayingira siniya, baaba n’ansaba okubeera ewuwe nga gye nva nga nsoma. Bbaffe yanjagala nnyo era ng’ampa buli kye musaba omuli n’okunsasulira ffiizi.

Ne baaba kyamusanyusa nnyo era buli bbanga yamwebazanga olw'omutima omulungi. Ebigezo bya S.6 nnabiyita ne nfuna ekifo mu yunivasite era kati ndi mu mwaka gwakubiri.

Mulamu abadde ankyalira ate nga buli lw'ajja aneetikkira ebintu nkumu nga kw'atadde n'ensimbi enkalu. Wabula ate yang'aana okubuulira ku baaba ku bintu nga bino ng'agamba nti ayinza okulowoozaamu ebirala.

Nange obutayagala kufiirwa mbeera nnungi ng'eno bannange abasinga gye balimu, nnakkiriza kye yansaba. Jjuuzi yangulira n'essimu ey'ebbeeyi kyokka nayo ngikwata mu nkukutu kubanga saagala baaba agirabe.

Newankubadde bino byonna abadde abikola, musajja wattu abadde tansiinyangako kigambo kya laavu , okutuusa ku wiikendi ewedde bwe yankimye ku yunivasite n'ansaba tubeeko we tulaga.

Bannange bonna baabadde beetambulidde nga nze nfuuse omukuumi, era mulamu we yannonnedde yanzigye ku muguwa.

Emmotoka yagivuze agizza Jinja. Twatuukidde mu bbaala emu n'atandika okugula omwenge ne tusindisa bigere, era ndowooza gwe gwanzigye ensonyi ku maaso, n'okunteeka mu 'muudu'.

Bwe twavudde wano twasibidde mu wooteeri emu gye twasuze nga twegiriisa.

Nnamukakasizza kubanga yampuubye emirundi egiwera ne ntuuka n'okukoowa.

Yalabise nga yawoomeddwa oluwombo lwange kubanga yansuubizza wiikendi ejja okuntwalako e Mbarara gye tuba tuliira obulamu.

Published on: Thursday, 3rd July, 2008

Email this article to a friend.

KAKATI BWEKATI BWEKASAZEWO OKWEBAZA MUKULU WAKKO EBILUNGI BYEKATUSEKO;NAYE OBA NAMWE ABAAMI MWABA KI????:angry: :angry: :angry:

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!

Posted by Mukwenda - 2008/07/04 08:22

Kyoka bannange JJ, ate omusajja? Yamunywesa omwenge nga ka plan akamanyi bulungi nnyoo!!!!! Jukira yamugaana okugamba baaba we. Olukwe lwaliwo kuva dda!

Naye kituufu akawala ka 'gold digger'

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!

Posted by JeenaJulia - 2008/07/04 08:32

Owaaye ekyokola tewali,kakabilye binakalakila:angry: ebintu binno bikolebwa naye Katonda tebimusanyusa,tewewunya nga bakomawo okuva e Mbarara netusoma nti ate bayingilide lukululana...anti empeera yekiibi....akyogelako siyakileta....sibusungu nno??

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!

Posted by Mukwenda - 2008/07/04 09:02

Ate bayinza okudda nga owala alina omusika munda. Anti olusi ebibi bizaala ebirungi :)

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!

Posted by kyakweera - 2008/07/04 12:04

Naye bambi ensasula jeyasasudemu mukuluwe siyabuntu bulamu! Oyo omuwala mutemu yenyini!! Wade ye agamba nti abbanga lyamaze ne bba wa mukuluwe abade tamugambangako nti amwagala naye ebikolwa bibade byeyogerera. Kubanga waliwo abaami abatamanyi kukwaana nabigambo ngabakozesa bikolwa. Era newebatukide okugenda ejinja kano akawala kabade kamanyi ekinadiririra. Naye nze ndowoza nti omuntu alimumu omutima ogulumirirwa yali bade yayogerako dda nemukuluwe kunsong eno okuva lweyatandika okumutonera ebirabo ate namugaana okubulirako mukuluwe. Wano nange kambuuze nga FALA: Dala akawala kano kategeka okugenda e Mbarara ne mulamu wako?

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!

Posted by JeenaJulia - 2008/07/04 12:33

Kyakweera,akabuza koba osokka okujako okakwekele dala wala,mwana muwala alabika bulijjo anonya mbazzi naye laba kibuyaga bwakunta okukakana nga kyabadde anonyeza embazi kili ku takka.Gwe tolaba bwekewana, mulamu ye affuba kulaba nga zekalidde zigwayo ko kawoza mbu alabika yasimye oluwombo hehehehe.Wabula buwala bwa kinyozi bwazze nyoo.

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!

Posted by JeenaJulia - 2008/08/22 06:57

Nneddizza gaayi wa mukwano gwange

NKOLA mu dduuka erimu eritunda engoye empya mu akeedi emu mu Kampala, era eno gye nnafunira mukwano gwange gwe ntera okunyumya naye ku nsonga ez'enjawulo. Mu butuufu omuwala ono mukwano gwange era buli kizibu kye nfuna gwe nsooka okutegeeza .

Mu ngeri y'emu naye bw'abaako n'ekimuduguda akimbulira era embeera eno emaze ebbanga. Ku wiikendi ewedde yansabye tugendeko ne ggaayi we atukyakazeemu era nange ne nzikiriza.

Nnayambadde ne ntonnya era nga muli nange nneewulira nti nnyumye okukamala. Ggaayi ono Jimmy twamusisinkanye Wandegeya ne tutandika okwesiwa omwenge kumpi kwagala kugumala mu bbaala.

Wabula newankubadde nnabadde mmutudde walako, obwedda alina engeri gy'ankubamu oluuso lu '45', ekyandaze nti yabadde ammatidde naye nga talina ngeri gy'ang'ambamu ekimuli ku mutima.

Ekiseera kyatuuse mukwano gwange n'agendako emmanju yeeteewuluze, ekyamuwadde ekyanya n'ang'amba bw'ansiimye era n'ampa n'ennamba y'essimu ye.

Amangu ago yankubye ne kkiisi eyandese nga gampedde, n'ansaba tusisinkane mu kiro ekyo.

Nga bwe yabiteesezza bwe byabadde.Yeefudde atuzzaayo ffembi era nze gwe yasoose okutuusa awaka olwo n'atwala ne mukwano gwange.

Wabula olwamutuusizza n'akomawo n'annona olwo ne tutandika obulamu obupya. Twakyusizza bbaala ne tugenda e Kabalagala gye twamaze ebbanga nga tupepeya.

Olwavudde eyo, yavuze adda Ggaba gye twasuze ng'alambula ennimiro yange. Mu kaseera k'ababiri nnafubye okulaba nga nfulula mukwano gwange. Mu kifo ky'okumuwa amasaza nnamuwadde bibuga nga mwe muli ne Kampala.

We twayawukanidde ng'antegeezazza nga bw'agenda okukola kyonna ekisoboka okulaba nga mukwano gwange amusuula mu kaselo.

Chamili yabilaba..tobesiga tobesiga...:angry: :angry:

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!

Posted by kingo - 2008/08/29 18:33

JJ, olabika ebigambo bya kafeero wabiwuirizanga nobwegendereza bungi, wamma kano, kawala ka kinyozi kenyini Kafeero kayimba kazi bali bakayita ani?, naye ate namwe gubasinga, bwobeera omanyi nti mukwano gwo akusinga, lwaki omuliranya omwami wo? Kakati ono ye nange andabikira yabadde yesasuza wenge gweyasunze, kansubire nti yabadde byakola abitegeera bulungi nga omuwala ono enkera tamulabe kyamuli!!!!!!!

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!

Posted by JeenaJulia - 2008/09/03 19:28

Lol Kingo,wegendereze byobuza byandikuzalira akabate...naye ela kankudemu.Kawala ka kinyozi bali bakayita ka Lucia.Twala eli nawe kati bwetunagana okulondela banywanyi baffe abatusingako kuba tutya okutulivula?Mwe begusinga,omanyi olina kyokka ate ela nolokaloka nga olabye yo ekilala nga bwojja nti bilimu enjawulo...simanyi weli??mbuza njawulo.

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!

Posted by kingo - 2008/09/08 17:38

---

owange leka kusaaga, enjawulo ebaawo, waliwo ettaka ekkalu, waliwo neryolutobazi. Lwaki sirokaloka nga owange yenyini yansomoza okundetera ebinyirira!!

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!

Posted by JeenaJulia - 2008/10/04 09:27

Omuwala w’e Kampala yanzibako omusajja

ABAWALA b’e Kampala bwe balaba ku musajja avudde ebweru bakola kyonna ekisoboka abaganze. Nze bantema ennamba era kati amaka nnagafuuwa dda mu ng’ombe.

Mpitibwa Suzan, mbeera mu kibuga Boston ekya Amerika gye mmaze emyaka mukaaga. Nzaalibwa mu bitundu by’e Masaka.

Omusajja wange nnamusanga mu Amerika gye yali amaze emyaka esatu era nga talina mukazi, ne twagalana era ne ntandika okubeera naye. Amangu ddala nga mmufunye, nnafuna olubuto ne nzaala era nga kati nnina abaana babiri.

Baze bwe yafuna obutuuze nnamusanyukirako nnyo era twasibira mu kiraabu emu mu Boston ne tunywamu. Ssekukkulu eyaddirira yakomawo mu Uganda era nze nnamuteekerateekera bye yaleeta ate nange ne mutuma antwalire ebintu ewaffe.

Yakomawo oluvannyuma lw’emyezi ebiri wabula ng’embeera ze zikyuse. Yatandika okugamba nga bwe simuwa kitiibwa n’ okwekwasa obusongasonga obutaliimu. Nnagenda okulaba ng’akuba nnyo essimu e Uganda era bwe nnakebera essimu nga mulimu erinnya ly’omuwala gw’atera okukubira. Nnakubira omuwala essimu ne mulabula anviire ku baze wabula yaddamu ng’abalaata nti nneesibe bbiri kuba omukwano gwabwe gwali gutuuse wala.

Nabuulirako mukwano gwange n’ankakasa nti abawala b’e Uganda balina obukodyo bungi obubba abasajja naddala abava mu Amerika ne Bungereza nga banoonya okubaggyamu ssente n’okubafunira viza. Era yampa amagezi nti okuzza omusajja nnina okugonda, okumubuuza nga nfukamidde, okumuteerayo amazzi mu kinaabiro n’ebirala.

Byonna nnabikola naye omusajja nga tabifaako era Ssekukkulu bbiri ezaddako ng’aziriira Uganda nga bapepeya n’omuwala era kati yamuzaalamu omwana era amupangira kumuleeta eno mu Amerika.

Nnalaba kimpitiriddeko, ne mmuviira era kati nkola byange. Eking’umya kwe kuba nti nnina omulimu omulungi ogukira ogugwe anti ye akola bwaddereeva. N’ekisinga obukulu amateeka gamukakatako okulabirira abaana.

==========

Re:Naye Buwala bwa kinyozi !!!!!

Posted by Alysha - 2008/10/04 15:08

Mukaziwattu yakigwako, Naye si Uganda yooka ne Bulaya biberayo lwakuba abe e uganda bali more!
Omusajja omara gamugobelerako nga agenda eka.
Ba Ssebo abo bazibu nnyo olaba obeera naye mu nju era nakikulora. Ka kati bambi tight marking.
Senga Jeena Nkulamusiza Weekend eyo mulembe.

==========